# Engeri gye weetangira ebigwo by'omu kinaabiro

Bya SAMUEL BALAGADDE




Akapande akalaga nti, ekifo kiseerera.

EBINAABIRO awatali kusosolamu, ebyo ebya sseminti owa bulijjo ow'ekipande ssaako n'ebyo eby'omulembe eby'obuggyo bwa ttayiro byafuuka bya bulabe eri obulamu bw'ababyeyambisa.

Abantu bangi bafunidde obubenje mu binaabiro abamu ne bafiiramu oba okufuna obuvune obw'olubeerera nga kino kiva ku nsonga ez'enjawulo nga n'ezimu nzibu okunnyonnyola.

Abakugu bagamba nti, ebiseera ebisinga kiba kizibu okumanya entabwe omuntu okugwa kw'eba yavudde kubanga oluusi buva ku mbeera y'obulamu bw'oyo abeera agenze okunaaba oba okuseerera n'agwa mu ngeri y'akaabenje.

Dr. Davis Wante, akulira abakung'aanya omusaayi mu kitongole kya Uganda Blood Transfusion Services mu minisitule y'ebyobulamu, agamba nti, buli lukya abantu abafiira mu binaabiro ng'ensonga ziva ku byobulamu bwabwe bweyongera.

1 Agamba nti, embeera eno esinga kubeera mu bantu abalina obulwadde bw'entunnunsi (puleesa) wabula nga tebagimanyi era nga tebali ku ddagala ligikkakkanya.

Annyonnyola nti, puleesa bw'ebeera waggulu oba wansi, obwongo bwe buyiibwako amazzi agabuguma oba agannyogoga mu nkola ey'amangu kivaako omubiri okwesika naddala mu balwadde b'emitima.

Embeera eno eyinza n'okuvaako omuntu okusannyalala yenna oba okusannyalalako ekitundu nga kivudde mu kukyusa kw'ebbugumu ly'omubiri mu bwangu.

Dr. Wante agamba nti, okwang'anga obuzibu nga buno kyandibadde kya magezi omuntu bw'agenda okunaaba n'asookera ku bitundu by'omubiri ebya wansi n'ebigere olwo ebitundu ebya waggulu okuli n'obwongo bisobole okugenda nga bimanyiira amazzi mu mpolampola.

2 Embeera eno oluusi etuuka ku bantu abalina omusaayi omungi mu mubiri nga kiba kyetaagisa omuntu okwekebeza obungi bwagwo n'okwekebeza puleesa buli luvannyuma lw'ebbanga eggere.

"Okwekebeza kikulu kuba kikendeeza emikisa gy'omuntu okufa mu ngeri ey'ekikutuko oba ekibwatukira.

3 Wabula Daniel Mwesigwa ng'atunda ebyeyambisibwa mu binaabiro ne kaabuyonjo ez'amazzi e Nakasero mu Kampala, agamba nti, bangi ku bazimba omutindo gw'ebyo ebyeyambisibwa mu binaabiro tebagussaako mwoyo.

Agamba nti, olw'obufunda bw'amayumba ebinaabiro bigattibwa ne kaabuyonjo ssaako akabaafu omusenyezebwa amannyo ekiteegeeza nti, kyangu agenzeeyo oluusi okusanga nga wabunye amazzi waseerera ekivaako obubenje.

4 Tayiro ezissibwa wansi mu kinaabiro ziteekwa okuba nga teziseerera ate nga kuno kw'otwalidde n'obuyonjo omuli okulonda ssabbuuni amenyese menyese ayinza okuseereza omuntu.


Osobola okufuna obukeeka obwa pulasitiika obwaliirirwa wansi ku ttayiro ne bunywera n'owona okuseerera.

Era osobola okufuna sapatu ezikwata ku tayiro obulungi eza labba n'otoseerera.

5 Mu mbeera y'emu, ekinaabiro kirina okukuumibwa nga kisiimuddwa era ne kirekebwa nga kikalu obudde bwonna okutangira obuseerezi n'obuzibu obubuvaamu.

Ekinaabiro bwe kiba kya mu nnyumba, kiteekwa okubeeramu ettaala okusobozesa oyo agenda okukyeyambisa mu ngeri ey'enjawulo okulaba wansi waakyo obulungi obutalinnya mu mazzi agayinza okumuseereza.

Kikulu nnyo okwemanyiiza okutambula n'obwegendereza ng'oli mu kinaabiro okwewala ebiyinza okuddirira nga biva mu kusaatuuka.



Dr. Davis Wante.



Ekika ky'akamu ku buwempe obussibwa mu binaabiro.



Okuteeka kaabuyonjo, ekinaabiro n'akabaafu akasenyezebwamu awamu kya bulabe.

## Abantu kye bagamba



**Hosea Sseruyiggo:** Ekisinga mu byonna kwe kusomesa abantu ku bulabe obuli mu kweyiwako amazzi agannyogoga naddala mu bantu abakuze mu myaka.



**Moses Mutyaba :** Wanoonyezebweyo tekinologiya aziyiza ebinaabiro okuseerera, nga kw'otadde n'okumanyisa abantu ku mugaso gw'obuyonjo mu binaabiro.



**Richard Sentongo:** Ensobi z'ebinaabiro zisinga kukolebwa bazimbi abatabuulira bannannyini mayumba ku kituufu kye balina okukola.